

Abamu ku batuuze b'e Mutungo abanoonya obwenkanya.

# Emyaka 12 lwaki ssente UNRA ze yaliyirira ab'e Mutungo ziremedde mu kkooti?

Bya MUSASI WAFFE

OBULUMI n'ennyiike bijjudde emitima gy'abantu bannannyini bibanja omwayita oluguudo lwa Entebbe Express Highway, mu kitundu ky'e Mutungo – Kakoola, ekisangibwa mu munisipaali ya Makindye – Ssaabagabo mu disitulikiti y'e Wakiso.

Obuzibu buva ku ssente akawumbi kalamba n'obukadde obusoba mu 200 (1,285,744,157/=), nga za bantu 21, ezituddde mu kkooti okumala emyaka kati 12!!


Ekitongole ekyali kivunaanyizibwa ku kuzimba enguudo ekya Uganda National Roads Authority, nga kati kyagattibwa mu minisitule y'ebyenguudo n'entambula, kyabalirira abantu abaakosebwa Pulojekiti y'okuzimba oluguudo luno, era ne kibaliyirira.

Wabula bo bannannyini bibanja ku ttaka eriri ku kyalo Mutungo – Kakoola, n'okutuusa olwaleero tebafunanga wadde omunwe gw'ennusu wadde nga ssente zaabwe UNRA yazifulumya. Bamaze emyaka kati 12 nga balwana okufuna ssente zaabwe wakati mu bulumi, naye zikyagaanidde mu kkooti UNRA gye yaziteeka.

## BYATANDIKA BITYA?

Mu 2013, UNRA yabalirira bannannyini bibanja oluguudo lwa Entebbe Express High Way we lwali lugenda okuyita, ng'ekwataganira wamu ne Ssentebe w'ekyalo, era n'efulumya lipooti omwali amannya g'abantu ab'okuliyirira.

Eba egenda okuliyirira, omu ku batuuze mu kitundu ekyo Dr. William Nganwa n'addukira mu kkooti ng'agamba nti, abantu UNRA be yali egenda okuliyirira ye tabamanyi ku ttaka lye, era ng'ayagala ssente ezo baziweemu ye.



Abasaveya okuva mu minisitule y'ebyettaka nga bapima ettaka eri-kaayanirwa e Mutungo.

Okusinziira ku mpapula za kkooti Bukedde ze yalabyeko, Nganwa yali agamba nti, abantu bano beesenza ku ttaka lye eriri ku LRV 1240, Folio 11, Plot 207, Block 273 erisangibwa e Mutungo, era ssente za UNRA zirina kuweebwa ye.

Okuva 2013, ab'ebibanja ne Nganwa baali mu kkooti nga battunka, okutuusa mu 2020, kkooti bwe yasala ng'egamba nti, abatuuze ku bibanja ebyo baali batuddeko mu mateeka, era byabwe bwoya.

Kkooti era yasazaamu ekyapa kya Nganwa nga May 3, 2021 ng'egamba nti, yali yakifuna mu bukyamu, kubanga ettaka eryo lya Bwakabaka bwa Buganda, era liddukanyizibwa Buganda Land Board.

## OMUTUUZE OMULALA ATABULA EBINTU

Bannannyini bibanja baali balowooza nti, olutalo balumaze, ate munnaabwe omu bwe baali awamu nga battunka ne Nganwa, Francis Jackson Ajuna n'abeefuulira, n'atwala omusango mu kkooti ng'agamba nti, ebibanja byonna bibye, era y'alina okufuna ssente ezo! Omusango gwe guli ku Civil Suit No. 19 of 2021.

Aba UNRA baalaba tebaabisobole, nabo ne bateekayo okusaba mu kkooti ku nnamba 1671/2021, nga basaba kkooti ebakkirize ssente ezeggyeko eziteeke mu kkooti, aliwangula wakati wa Ajuna n'abatuuze kkooti gw'eriwa ssente ezo.

Nga June 21, 2023, kkooti yakkiriza UNRA okutwala ssente zino ku akawunti ya kkooti enkulu, era ne kikolebwa.

## OBULUMI MU KUGGYAYO SSENTE

Omu ku babanja ssente zino Siraje Muyanja yagambye nti, okuva ssente UNRA bwe yazireeta mu kkooti, bazze battunka okulaba nga bazifuna, kyokka ne balemesebwa abantu be yayise abafere, abazeekiikamu buli mulundi lwe baba ng'abatuuse okuzifuna.

Yannyonnyodde nti, baba bakyali awo, ate ne wavaayo abantu abalala abaagala okutwala ssente zino, nga nabo bagamba nti, ettaka eryogerwako lyabwe. Era bano kkooti kaabula kate ezibawe olw'obukodyo bwe baali bakozesezza, era amyuka omuwandiisi wa kkooti Janeva Natukunda yali amaze okufulumya ekiwandiiko nga October 30, 2025, ekiragira kkooti enkulu ewozesa emisango gy'ettaka okubawa ssente zino.

Wabula kkooti eba tennabasasula, Muyanja agamba nti, baafuna eyababagulizaako nti, ssente zaabwe zigenda, ne beekubira enduulu mu kkooti, n'eyimiriza okusasula ssente ezo.

Mu bbaluwa Natukunda gye yawandiikira mukamaawe omuwandiisi wa kkooti, nga November 14, 2025, yannyonnyola nti, okulagira ssente zino okusasulwa abantu abalala abatali abo bannannyini bibanja yali akikoze mu nsobi, era bwe yagitegeera n'akisazaamu bunnambiro.

Muyanja yannyonnyodde nti, ababbi bano abaali baluse pulaani ebatwalako ssente zaabwe baabakuba wala nnyo, era kino akiteeka ku bbanga eddene ssente zino lye zimaze mu kkooti, ng'abalamuzi bangi abazze bakyusibwa, kyokka nga be baali bategeera fayiro ya ssente zino gye yava, ekiwa omukisa abafere okuwuddiisa abapya.

Era yayongeddeko nti, basaasaanyizza ssente nnyingi nga beewuuba mu kkooti n'okugula balooya, emyaka 12 gye bamaze nga bazirwanirira, nga n'abamu ku bo ssente ze basuubira okufuna bw'ozigeraageranya ne ze basaasaanyizza, basigazaawo enjawulo ya ssente ntono nnyo.

Mu ngeri y'emu, ebbanga ery'emyaka 12 nga ssente ziri mu kkooti, zinaabuuse nnyo, ng'omuntu eyali ayagala okugulamu ettaka oba ekibanja ekirala mu 2013, kati ssente ezo tezikyamusobozesa kugula mu kitundu kye yali ayagala, olw'ebbeeyi y'ebintu omuli n'ettaka okulinnya ennyo.

## ESSUUBI BAKYALIRINA MU KKOOTI

Muyanja yagambye nti, mu lutalo lwe babaddemu, baasobodde okubaako obuwanguzi obutonotono bwe batuukako, kubanga omwaka oguwedde, Ajuna yaggyayo omusango gwe, gwe yali yawaaba ng'ayagala ssente zonna baziwe ye.

Mu kiseera kino tewakyali muntu akaayanira ssente zino, kyokka kkooti yalagidde ab'ebibanja abali mu lipooti ya UNRA bateekemu okusaba mu kkooti mu butongole nga basaba ssente zino, kkooti esobole okuzibawa.

Kino Muyanja yagambye nti, baakikoze, era kkooti n'ebawa olwa March 30, 2026 okutandika okuwulira okusaba kwabwe, nga basaba kkooti okubawa obwenkanya ku nsonga eno.